

GGWE OKIKKIRIZA EKYO?

🦋 Era nga tetunnasaba, nandyagadde okwogera kino, nti akawungeezi k'eggulo, nzikiriza lwe kyabaddewo, nnagambye omukyala nti, "Ssinga onaakola nga bwe tulagiddwa okukola, nti kina...omwana eyabaddde n'amazzi mu mutwe, gujja kutoowolokoka." Era omutwe gw'omwana gwatoowolokose, ekiro ekikeesezza olwa leero, ekipimo kya kitundu kya inci y'akawuzi. Kale omukyala amuleese wano kati.

² Kaakati, ensonga eyankozesezza ekyo, mwannyinaze, nnabaddde n'ekigendererwa. Okiraba? Bw'olaba ekintu ekikwatikako nga kibaddewo, ekyo kiba kijja kuletera okukkiriza kwo okusituka okwongera okukikkiriza. Ebiseera ebimu ekyo nkikola okusobola, oba oli awo, nnyinza okusaba omuntu nti yimirira, simbula ekigere kimu oba bibiri, wuuba omukono gwo, nyoola olugalo lwo, okusobola okubaako ekintu eky'enjawulo ky'akola, akakase nti ateredde. Naye beeraliikirira bweraliikirizi ne balowooza nti tekigenda kubaawo, naye ate nga kiba kigenda mu maaso ekiseera ekyo kyonna. Okiraba? Kiteekwa okubaawo.

³ Bameka abaagala okujjukirwa mu kusaba, kati? Musobola okuyimusa emikono gyammwe ne mugamba nti, "Mukama, kikole"? Leka tukoteke emitwe gyaffe.

⁴ Mukama, nga bwe tuwulira oluyimba lw'ekkanisa luno olulungi olw'edda, olwawandiikibwa mukwano gwange omwagalwa, Paul Rader, "Kkiriza Bukkiriza," tulowooza kaakano ku mulenzi, eyaleetebwa ba taata be eri abayigirizwa, nga tewannayita na nnaku zisukka kkumi oluvannyuma lwa Yesu okubawa amaanyi okugoba emizimu n'okuwonya abalwadde, kyokka nga wano baali balemerereddwa ddala ku nsonga y'omulwadde w'ensimbu. Ne balaba Mukama waffe nga ajja. Kitaawe n'adduka n'agamba nti, "Mukama waffe, otusaasira. Mutabani wange anyigirizibwa nnyo dayimooni. Nnamuleese eri abayigirizwa Bo ne batayinza kumuwonya."

⁵ Yesu n'agamba nti, "Nsobola, bw'oba okkiriza. Kkiriza bukkiriza." Ai Katonda, Ggwe tokyukangako n'akatono okuva kw'olwo: Okyali Katonda y'omu ajjudde okwagala, omulungi, era ajjudde okusaasira. Nga bwe wali luli, era bw'Oli ne leero. Era Mukama, nga taata oli, ffenna tukaaba nti, "Mukama, saasira obutakkiriza bwaffe." Kyangu nnyo; naye ate tukyesitalako, Kitaffe.

⁶ Twagala okukwebaza n'okukutendereza olw'okukoma ku mwana oyo omuwere ekiro kya jjo, okulaba nti akawanga ako, akaabaddde kazimbye, nga, eggumba likukunadde,

okuba nga lyakkakkanye ekitundu kya inci ekiro ekyayise. Tukikwebaliza ekyo, Kitaffe. Bwe tukimanya nti abasawo baffe mu kunoonyereza kwabwe tebalina kye bakimanyiiko yadde, tewali kye basobola kukikolera; naye Ggwe okyali Katonda, Mukama w'embeera zonna. Tukwebaza, Kitaffe. Tukwebaza olw'obwesigwa bwa maama ono, n'okuba omuntu omulungi, era omuwulize olw'okukomyawo akaguwa n'akateeka ku lupapula luno, wano, okulaga abantu obujulizi bwe olw'ekitiibwa kya Katonda. Tusaba omwana we abeere mulamu era abeere omwana omulamu obulungi ddala, ku lw'ekitiibwa Kyo.

⁷ Tunuulira emikono egyo gyonna egiyimusiddwa waggulu, Kitange. Buli gumu ku gyo gubadde n'ekyetaago. Ogwange guli waggulu, nagwo, Kitange, nnina ekyetaago. Ne wano waliwo bingi, mu ngeri y'amabaluwa manya mu bokisi eno, eby'abali mu bwetaavu, abantu abali ddala mu bwetaavu. Leka kibeere, Mukama, nti buli omu afune ekyo ky'asabira ekiro kino. Leka batwale obujulizi bwa maama ono nga eky'okulabirako okulaga nti Ggwe bw'oyogera ekintu kyonna, kiba kiwedde. Kiba... Ggwe... Kyokka kye tulina okukola kwe kukisembeza era ne tukiteeka mu nkola. Mulimu ogwaggwa edda okukolebwa.

⁸ Kikole, Mukama, nti buli emu ku bbaluwa zino n'obutambaala bunu, abantu be bunaatekebwa, leka bawonyezebwe. Buli yenna ayimusizza emikono gye, Kitange, leka bafune okuyaayaana kw'emitima gyabwe. Tukisabye, mu Linnya lya Yesu. Amiina. Musobola okutuula.

⁹ Njagadde okubalaga akawuzi kano, omukyala ke (Mukalaba. Um-hum)...akalaga nti omutwe gw'omwana gwatoowolokose nga Mukama bwe yatusubizza okuyita mu Mwoyo Mutukuvu ekiro ekyayise. Ssi mulungi? Kale, ekyo kituzzaamu nnyo amaanyi okuba n'okukkiriza era tukkirize.

¹⁰ Kati, Yesu bwe yayogera eri omuti guli, mu Makko 11:23 nti, "Tewaabenga alya ku bibala byo okusooka leero," ayinza okuba teyaleekaana. Kubanga, mu butuufu, yakyogera mu ngeri nnyangu nnyo, n'okutuusa nti n'abayigirizwa Be...ndwooza omu ku bo y'eyamuwulira. Era kya...Omwana oli ow'ensimbu, bwe yatuuka mu maaso ga Mukama waffe Yesu, omulenzi ensimbu yamukuba okusinga bwe yali emukubye; oba oli awo, yagwa wansi nga afudde, naye n'akitegeera nti asisinkanye Omuntu Oyo alina okukkiriza okusukkulumye ku kw'abatume.

¹¹ Kati, njagala omuntu oyo abadde takkiririza mu kuwonyezebwa okuva eri Katonda yekkaanye kino. Yesu yali yabawa amaanyi okugoba emyoyo emibi, naye baali balemeddwa. Amaanyi si ge gaali galededdwa, wabula bo be baali balemereddwa. Yesu yabagamba nti:

"Lwaki tetusobodde kugugoba?"

N'abagamba nti, "Olw'obutakkiriza bwammwe."

12 Ekkansa ekyalina amaanyi. Katonda ekkansa tagijjanga maanyi Ge, wabula ekkansa y'eterina kukkiriza kumala kusobola kuzozesa maanyi ago. Ky'ekyo kyokka. Kyangu bwe kityo. Tugezaako okukifuula ekizibu ennyo emirundi egimu, naye Enjiri gy'okomya okugifuula ennyangu, gy'ojja n'okukoma okufuna ebivaamu ebya nnamaddala, bw'onaagitwalira mu bwangu bwayo nga bw'eri nti: Katonda yakyogera; ekyo kimala; era ky'ekyo kyokka. N'okikkiriza bukkiriza, n'ogenda mu maaso.

13 Yesu bwe yagamba nti, "Omuntu talyanga ku bibala byo," kiki ekyabaawo, ebikoola byasigala binyirira era nga birabika bulungi nga bwe byali. Ekikuta kyasigala kirabika nga bwe kyali, naye wansi eri mu ttaka mu mirandira egyo, obulamu bw'atandika okusebengerera.

14 Bwe kityo bwe kiba ne ku kookolo, ne ku ndwadde eya buli kika gy'o—gy'oyinza okwagala okulowoozaako. Ssinga okkiriza Ekigambo kya Katonda, mu buziba eri mu mirandira, kookolo ayinza okusigalawo; omukono gwo guyinza okusigala nga mukakanyavu nga bwe gubadde. Ekyo tekirina kakwate na kuwonyezebwa okuva eri Katonda. Ensonga eri nti, "Bw'oba nga okkiriza." Okiraba? Awantu awamu munda eri, kiba kyatandise dda okukola.

15 Yesu yagamba nti, "Bw'oligamba olusozi luno nti, 'Sigulibwa,' n'otabuusabuusa mu mutima gwo, naye n'okkiriza nti ky'oyogedde kinaakolebwa, kirikuweebwa." Ekyo si kirungi? Ekyo kyali kisobola kuva mu ani? Mu Mwana wa Katonda, Ebigambo Bye. . . Eggulu n'ensi biriggwaawo, naye kati. . . naye Ebigambo Bye tebiriggwaawo.

16 Kati, engeri yokka ekyo gy'osobola okukikolamu, oteekwa okuba n'ekiruubirirwa ekituufu n'ekigendererwa ekituufu. Kati, ssinga nfuluma wabweru wano ne nŋamba nti, "Ka mbalage nti nsobola okusiguukulula olusozi luno, 'Lusozi ggwe, siguukululwa.'" Terusobola kusiguka. Terusobola n'akatono. Ne bwe mba mnina kiki kyonna. Kiteekwa kuba. . . Olina okusooka okuzuula kiki Katonda ky'ayagala kikolebwe.

17 Eyo ye nsonga lwaki, bulijjo mu lunyiriri lw'ab'okusabirwa, nzi—nzigyayo abo abali mu mbeera esingayo obubi ennyo ddala, kiri lwa kuba nti ekyo kiba kintu ekibaddeko mu nnyiriri ez'enjawulo n'ebirala, era awo w'oddiramu okukisisinkana. Naye labayo, bw'oba olina ebibi ebiteenenyezeddwa. . . Wali weetegerenzaako ku mbeera y'omuntu, nga ssinnaba kugoba mwoyo mubi kumuvaamu? Nneekenneyeza ddala ensonga eyo okusobola okukakasa nti tewali kintu kyonna mu bulamu bw'omuntu oyo kiyinza kuziyiza kintu kyonna, okiraba, kubanga jjukira nti, ebirabo bino, oyinza okubifunamu obuzibu.

18 Katonda, mujjukira olumu, bwe yawa nnabbi. . . yafuula omuntu nnabbi, Musa, n'amugamba aserengete, ayogere eri

olwazi. Era nnabbi n'acamuka yenna, n'agenda, n'akuba olwazi, nga ekyo kyali kyogera ku bunafu bwa Kristo, nti yali wa kufa omulundi ogw'okubiri oba okukubibwa omulundi ogw'okubiri. Yalina amaanyi ag'okuleeta amazzi, naye ekyo Katonda si kye yali ayagala kikolebwe.

¹⁹ Ssisobola kukikkiriza nti kwali kwagala kwa Katonda Erisa okukola bw'atyo, mbu olw'okuba abaana abo baali bamusekerera olw'okuba n'ekiwalaata, ssirowooza nti ekyo yali agwanidde okukikola. Naye yali nnabbi, n'akwatibwa obusungu, n'akolimira abaana abo amalubu abiri amakazi ne gatta abaana ana mu babiri abatalina musango. Okiraba? Naye ssikkiriza nti ekyo yali agwanidde okukikola. Ate ki—ki . . . tu . . .

²⁰ Katonda, leero nzikiriza nti, ekkansa Ye nga tannagiteeka mu maanyi, asooka n'Agezesa ekkansa Ye okulaba kiki ky'enaakola.

²¹ Tu . . . omulundi oguddako, oba oli awo, Mukama bw'anaaba ayagadde nga nkomyewo, tujja kuba n'obudde okusobola okwogera ku kintu bwe kityo, ku kintu ekinaatera okubaawo, tusobole okwongera okulaba ebisingawo ku kyo.

²² Naye bw'oba ow'okwogera ekigambo, gamba nti, "Mukama, nkikkiriza," tobusabuusa, kitegeeze mu mutima gwo . . .

²³ Kati, tugeze, ndi mu kiwonvu, era nga si . . . nga mbuulira eri obukadde n'obukadde bw'abantu, naye nga ku ludda luli nga ovvuunuse olusozi, waliyo ekibinja ky'abantu nga kikumi, abafa nga tebamanyi Kristo. Weewaawo, wano nninawo abantu kakadde be mbuulira, naye ate, nga waliwo Ekintu mu mutima gwange ekinjamba nti, "Genda eri abantu bali. Genda gye bali. Bazikirira." Nze ku bwange mba ssaagala kugenda, naye ate nga waliwo Ekintu mu nze. Okiraba, kati oyo aba Katonda, nga y'atambula. Manya ekigendererwa kye kiri, omanyee n'ekiruubirirwa ky'okugenda, si kya kwe . . . Kati, ssinga njamba nti, "Kale . . ." Ekigendererwa kyange eky'okugendayo ssinga kiba kituufu, naye ate ne ntuuka waggulu wano nga waliwo olusozi olunene, ne njamba nti, "Okimanyi nti, ssinga nzivuunuka olusozi olwo ne ntaasa abantu ekikumi abo bonna, lumu balikola ekibumbe eky'ekijjukizo ekiwandiikidwako nti: Ow'oluganda Branham, omuminsani ow'ekitalo." Awo, ekiruubirirwa kyange kiba kikyamu. Olusozi terujja kugwa. Nedda, ssebo.

²⁴ Naye ekigendererwa kyange n'ekiruubirirwa bwe biba ebituufu, era nga mu mutima gwange Katonda y'annunjanya, ne ntuuka nga ssisobola kuvvuunuka lusozi, oba okulwetooloola, oba okuluyita wansi, nja kugamba bugambi nti, "Lusozi ggwe, siguukululwa." Oba oli awo luyinza . . . Ekyo ssinga nkyogera, nga nkyogerera mu mbeera ey'omwoyo omutuufu, nga nkulemberwa Mwoyo Mutukuvu, mu kwagala kwa Katonda, wayinza n'obutabaawo yadde akajiiko k'ettaka

akatono akameguka ku lusozi olwo, naye luba lwolekedde okusiguukululwa. Olunaku oluddako wayinza okumogokayo ettaka nga lya buzito bwa kkiro emu. Olunaku oluddako kimu kya kuna ekya ttani. Oba oli awo mu mwezi, ne wamogokayo nga ttani ttaano. Kiba kiki? Nnyinza n'okuba nga ssinnakiraba, naye luba lumogoka, nga lusiguukululwa. Nja kusigalawo awo wennyini nkirabe nga kikolebwa, kubanga Katonda yakyogera era ekyo kimala.

²⁵ Ekyo osobola okukirowooza ku maama wo akawungeezi kano? Kale, bw'onaakimulowoozaako, ajja kuba bulungi. Kale. Ekyo kijja kubaawo bw'onaakikiriza: yogera bwogezi kigambo okinywerereko. Okiraba? Kikirize bukkiriza; kinywerereko. Obwo Bulamu Obutaggwaawo.

²⁶ Kati, enkya emisana . . . nnagambye Billy, akawungeezi ka leero, obutagaba kaadi za ba kusabirwa, nnayagadde mbuulire bubuulizi. Njogera, mu mazima, okuva mu Janwali mbadde ntambula, nga bwe njenda emitala w'amayanja, n'okudda nga bwe nkomawo, mu Phoenix, okudda eri ddala eka, n'okudda, era kati nzigwereddemu ddala (mu kwawula emyoyo) okutuusa nti nnafulye nnyo ne mba nga emirundi egimu mba ssimanyi na we nnyimiridde. Kummaliramu ddala amaanyi nzenna.

²⁷ Era awo, mba nnina okuvaayo, era ba . . . nammwe—nammwe ab'oluganda abampise okujja okubeerako wano okumalawo ennaku endala eziwerako. Ekyo nga nkisiima nnyo ddala. Mu butuufu ndowooza nti bano baweereza balungi nnyo. Mpulira kyandibadde kirungi ssinga tubadde n'obudde obw'okwongerera okutabagana. Mukama nga ayagadde, lumu ndikomawo. Nga ekindeese ssi kirala, wabula kugenda mu kkanisa emu ku emu ntalaage ekibuga kyonna mbakyalire mwenna. Ekyo nja kusanyuka okukikola: kyonna kye nsobola okukola okuyamba Obwakabaka bwa Katonda, bwe muba nga, nammwe mwandyagadde nkikole. N'okukomawokko olumu tukwasaganyize wamu tubeere n'olukunjaana olulungi, era olunyuvu mu kifo ekimu.

²⁸ N'ekirala mujjukire, ab'oluganda, nja kuba mbasabira. Ekyo kintu kimu kye nkakasa. Era njagala namwe mwenna munsabire, mwenna.

²⁹ Kale kati ndi—ndi . . . Enkya ku makya lwe wagenda okubaawo enkunjaana z'okusaba mu makanisa gano amalungi gonna ag'enjawulo okwetooloola ekibuga.

³⁰ Kati, ebimu ku bibinja okuva mu Jeffersonville biri wano. Mikwano gyange egimu, omu ku bayima bange ab'ekkanisa, ali wano, Ow'oluganda Fred Sothmann. Mbadde ssimulabangako mu lukunjaana. N'ow'oluganda . . . Ha, ne mikwano gyange emirala mingi okuva engulu eri mu Jeffersonville, mu- . . . omuwandiisi wange wali ne—ne bonna bali wano, balina we batudde mu lukunjaana. Sinnaba kubalaba bulabi.

³¹ Kati ab'oluganda, waliwo ekanisa ez'enjawulo ennungi mu kibuga kino. Era mmwe mwenna abagenyi abasigadde, mufune emu ku kkanisa ezo mugendeyo enkya. Bajja kubayisa bulungi, nkakasa. Baaluganda abakkiririza mu buweereza nga buno. Eyo ye nsonga lwaki batudde wano ku kituuti ne mu bifo bino wano wansi, lwa kuba babukkiririzaamu. Era abasajja abo mbasiimira ddala.

³² Mukama, wa omukisa ettabi lino wano ery'Abasajja Abasuubuzi abakkiririza mu Njiri Enzijuvu aba—abaasasulidde olukun̄naana luno. Waliwo. . . Nzikiriza bwe kityo bwe kiri, nti be baasasulidde olukun̄naana. Nni—nnina bangi ku bavujjirizi baabwe, kubanga mu bo. . . Tetusaanidde kuba bwetuti, naye emirundi mingi, ab'oluganda baganya enjawukana entono ezitaliimu: okugeza omusajja ayinza okuba *n'ekintu* ky'akkiriza; n'omulala, *ekintu* ekirala; ekyo ne kireetawo obukuubagano obutonotono n'ebiwundu eby'ebiseera ebyayita; ebyandibadde nga kati byawona, naye bi—bi. . . Era ssinga ggwe, manya, ssinga nfuna Abasajja Abasuubuzi abakkiririza mu Njiri Enzijuvu, ekyo kirina engeri gye kiyamba okubiwonya, ne tutabagana, ne tuba n'okussa ekimu okwa nnamaddala, n'ekiseera ekinyuvu ddala. Era ekyo tukisiima. Katonda awe omukisa ettabi eryo. Nzikiriza Mukama yaliyimusa olw'ekigendererwa.

³³ Kati. . . nate nnafuna omukisa ogw'omuwendo ogw'okulaba ekifo ky'Ow'oluganda Oral Roberts luli. Bannange, nga kifo kigazi nnyo, kirabika bulungi ddala. Ki—kijjukizo kya Pentekoote.

³⁴ Oluvannyuma nnagendako ne mu kifo ky'Ow'oluganda Tommy Osborn, era nakyo kifo kirungi nnyo ddala, musajja wa Katonda ow'ekitalo, nga. . . Ow'oluganda Tommy nange tukolagana nnyo, wamu n'Ow'oluganda Oral, naye, tuli baaluganda abakolaganira awamu ennyo ddala, era twagalana, era tugezaako okukola buli kimu kyonna kye tusobola okukola ku lw'obulungi bw'abantu mu Bwakabaka bwa Katonda.

³⁵ N'olw'ekyo nsiima nnyo abasajja abo okuba nga bali mu kibuga kino wano wamu n'abasajja abalala abalungi be mulina. Ndiga mmwe mulina abasumba abalungi ddala. Ndwooza, ka nkyogere bwentyo. Mukama yeeyongere okuba namwe mwenna kwe kusaba kwange. Kati enkya emisana, nja. . . Olukun̄naana lutandika ssaawa mmeka, ab'oluganda? Munaana kitundu. Ka tugambe ku musanvu—musanvu oba musanvu kitundu muteekwa okuba nga muli wano baleme okutaataaganya enkuṅṅaana ziri endala.

³⁶ Kati, abavubuka bwe baba tebannabagamba, akawungeezi kano balinawo ku bitabo, ebifaananyi n'ebirala, n'entambi, ne kkaseti, ne. . . eby'enkuṅṅaana, era babitunda. Naye tetujja kubakkiriza kubitunda ku Ssabiiti, enkya. Tewajja kubaawo bitabo oba ekintu kyonna ekitundibwa enkya. Kale tetujja. . .

ekyo tetukikirizangako. Newankubadde nga bangi abagamba nti, “Oli mukyamu nnyo. . .”

³⁷ Ne Kitange omukadde Bosworth yateranga okunŋamba nti, “Ha, Ow’oluganda Branham, awo oli mukyamu,” naye bwentyo bwe mpulira (Okiraba?), era bwe—bwe mpulira. Bw’oba olina kye weetaaga, bakikuwa, naye bw’oba. . . Naye tetusobola kutunda ku—ku Ssabbiiti. Nedda. Ekyo bwe kiri. Bwe kiba nga ekyo kye nzikiriza, nteekwa okukitambuliramu, nga. . . nteekwa okutambulira mu bye njogera. Mukiraba? Era nte—nteekwa okutambulira ku kulumirizibwa kw’omutima gwange n’olw’ekyo. . . Bwe kitaba ekyo osobola okuweereza endagiriro y’eka, era, ne bikutuukako awaka wennyini, mu kifo ekyo n’obifuna.

³⁸ Kati akawungeezi kano, ha, leka ffenna twerabire ebyo byonna, ha, eby’okuba n’emirimu egy’okukola, oba ekintu ekirala kyonna, oba okulafuubana kw’olunaku. Leka tuteeke ku mabbali buli kimu kyonna, tutunule mu Kigambo okumala eddakiika entonotono, tulabe kiki Katonda ky’anaayogera gye tuli okuyita mu Kigambo Kye. Era nsaba Katonda atuwe omukisa omunene era ogusukkulumye akawungeezi kano.

³⁹ Gene, osobola okumumpambira oyo? Osobola okumumpambira akawala ako akato? Tekalabika bulungi? Wandyagadde okugenda nange eka ozannye ne Sarah wange omuto, yenkana nga *wano* obuwanvu? O, oyagala? Na—nange nnyandiyagadde. Kumpi mwenkana, era ye muwala yekka omuto owa Taata. Umhum. Hum. Era nkakasa naawe o—oyagala Taata wo, tomwagala? Ate maama? O, mazima omwagala. Akawala akato akasingayo okulabika obulungi ennyo, ndi wano, nkatunuulidde. Obuuso obwo obutono bulinga obutuli obubiri bwe bookezza mu bulangiti n’o—n’otuviiri otwa kitaka.

⁴⁰ Njagala nnyo abaana abato. Nnina abawala abato babiri eka. Omu ku bo ye Rebekah omulala ye Sarah.

⁴¹ Gye buvuddeko, nnali ssiriwo. Bombi bawala ba Taata abaagalwa, mukimanyi, era mbaagala nnyo. Era bwe mba naakayingira nnina okubaweekako ku mugongo, ne. . . lwa kuba ye Becky agenda akula okuba nti takyasobola kuweekebwa; twenkana. Ayinza n’okummenya omugongo kati; ali. . . naye era akyali muwala omuto owa Taata, wadde nga kiri bwe kityo. Era kati, mu mwaka nga gumu, twagala kubaako we tumutwala mu ssomero lya Bayibuli awesudde amasomero gano ag’olukale.

⁴² Kati, baali balinze Taata, okudda eka, nga bwe mumanyi. Nnali nva mu lukunŋaana. N’ekiro ky’enkya bajja kuba bannindiridde okutuuka mu ttumbi okukomawo. Kaakati, nnakomawo ku makya nnyo, ku ssaawa nga mwenda oba kkumi nga bukya. Nnyaabwe n’ajja ku luggi n’anzigulira, era nnali nkooye nnyo era nga nnyenjebuse, na. . . Ku katuuti wano, mbeera. . . bwe. . . bw’oba oliko amafuta kiwulikika bulungi,

naye bwe gakuvaako, awo obuzibu w'obufunira. Bameka ababadde bakimanyi ekyo? Mazima, bwe kiri.

⁴³ Labayo. Eriya yayambuka waggulu ku lusozi n'akoowoola omuliro okuva mu ggulu, n'akoowoola enkuba okuva mu ggulu, naye Omwoyo bwe yamuvaako, yabungeetera mu ddungu okumala ennaku amakumi ana okutuusa Katonda lwe yamuzuula, n'abaako w'amussa mu mpuku.

⁴⁴ Yona, yagenda n'abeera mu lubuto lwa lukwata okumala ennaku ssatu n'ebiro bisatu, n'awandulwa ku lubalama n'agenda nga abulira. Ekibuga kyonna ne kyenya ne kijja eri Katonda. Naye amafuta bwe gaamuvaako, yayambuka waggulu ku lusozi n'asaba Katonda okuggyawo obulamu bwe. Okiraba?

⁴⁵ Nnayimirako ku mabbali g'ekijja kya William Cowper, gye buvuddeko, eyawandiika oluyimba olwo olumanyiddwa ennyo lwe tukozesa mu kusembera:

Waliwo Ensulo ejjude Omusaayi,
Ogwava mu misuwa gya Emanweri,
Aboonoonyi bwe bebbika mu mugga ogwo. . .

⁴⁶ Mwali muwuliddeko kye. . . ekyamutuukako? Amafuta bwe gaamala okumuvaako oluvannyuma lw'ekyo, yagezaako okunoonya omugga yette.

⁴⁷ Mbeera busukkakkubo w'ekijjukizo ky'Amaka Amakadde ag'e Kentucky. Era Stephen Foster ye yawa Amerika ennyimba zaayo ezisinga ez'ekinnansi. Era buli lwe yawandiikanga, nga afunye okulungamizibwa, olw'okulungamizibwa okwo, yawandiikanga oluyimba, naye bwe yamalanga okuluwandiika, n'agenda n'anywa omwenge. Ku nkomerero ya byonna, yayita umukozi we n'akwata eggirita ne yetta.

⁴⁸ Abantu tebamanyi biki abantu ababeera mu mutendera ogwo ogw'omwoyo bye bayitamu. Kati *wano*, owulira nga asobola okusiguukulula olusozi. Naye leka amafuta gakuveeko, ofulume omulyango ogwo (bwe watabaawo muntu kukukwata, okiraba) era, oba oli awo oluvannyuma lw'essawa ntono, oyinza n'okwebuza, wa w'oli. Kati ekyo bwe kikubaako buli kiro, kikumaliramu ddala endasi.

⁴⁹ Kati omuto. . . Njagala kubabuulira ku baana bange abato Sarah ne Rebekah. Kati enkeera, nnalemererwa okwebaka, ne nzuukuka, bwe nnali ntudde mu ntebe, oluvannyuma lw'akaseera Becky, nga bw'ali nti ku bombi ye mukulu, yali—yalina amagulu amawanvuko ku ga Sarah, kale Becky yajja adduka. . . yazuukuka, n'abuukayo mu buliri, nga tazuukusizza muto we, n'ajja nga ayita mu nnyumba, nga bw'adduka emisinde nga bw'asobola. Nga bw'agamba nti, "Taata, Taata. . ." Ne ngolola okugulu kwange okumu, n'akubuukira, bulungi nnyo ddala. Nga e—ekkanisa ey'omulembe leero, bwe mumanyi, nti erudde mu kazannyo, nga bwe mumanyi, okumala emyaka bikumi na bikumi. Yali asobola okwetengerera bulungi ddala,

bw'atyo n'anneetoolooza emikono n'agamba nti, "O, Taata wange, Taata wange. . ."

⁵⁰ Kati omuto Sarah, mu ebyo byonna ebyaliwo, yazuukuka. Kati, kino ssimanyi oba nga abaana bammwe bakikola, oba nedda; naye abange bakikola: omuto y'atwala engoye mukulu we ze yalekawo. Kati Sarah yali ayambadde engoye za Becky ezisulwamu, nga zikweya ku ttaka, nga bwe mumanyi. N'ajja, bambi mukazi wattu omumpi, nga bw'agwa, bw'atagala. Naye yatuukawo, kikeerezimukko. Awo Becky n'akyuka, n'agamba nti, "Sarah, muganda wange, nnina kye njagala okukubuulira." N'agamba nti, "Nze nnasoose wano. Era nnamwefuze. N'olw'ekyo Taata yenna nze mmulina era ssaakulekeddewo yadde."

⁵¹ Kati eyo ye ngeri abamu gye bagezaako okulowoozaamu ku bikwatagana n'eddiini, ssi bwe kiri? Uh-huh. Bwe kiri.

⁵² Bambi kakazi kattu ka Sarah, ne kawotookerera ne kata obumwa bwako, ne nkatunuulira n'obuuso bwako obuddugavu, ne katandika okukaaba. Nga Becky yeesigamizza ettama lye ku lyange, ampambaatidde. Mmwagala. Awo Sarah n'atanula okutambula aveewo kubanga Becky yali yeefuze Taata. Ne nseetula evviivi eddala ne ndigolola *bwenti* ne mbaako engeri gye mmuyita *bwentyo*. Ha, n'asanyuka mangu ddala n'ajja nga adduka, n'abuukira evviivi lyange na. . . Yali tannamalawo na bbanga ddene nga amagulu ge galengejjera mu bbanga. Yali akankanamukko katono (oba oli awo, nga nze, nga akankanamukko katono, nga bwe mumanyi), era teya. . . ebigere bye byali tebisobola kutuuka wansi ku ttaka. Teyali kibiina kya ddiini kinene, mumanyi, n'olw'ekyo yali tannasobola kutuula ebigere bye ne bikwata ku ttaka. Yali tannamalawo bbanga ddene.

⁵³ Kale, yali akankanamukko akatonotono, ne mmwetoolooza emikono gyange gyombi *bwenti* ne mmuwambaatira ansemerere, n'atangalijja mu buuso obwo obutono obuddugavu, n'atunuulira Rebekah. N'agamba nti, "Rebekah, muganda wange," n'a—n'agamba nti, "kyandiba ekituufu nti ggwe atutte Taata yenna, naye njagala obeeko ekintu kimu ky'otegeera nti: Taata nze y'annina nzenna." Kati. . .

⁵⁴ Ekyo. . . Nga Ye bw'ampambaatidde nzenna. Nnyinza obutaba na buyigirize bumala kulambulula bintu bya maanyi, naye kasita mmanyi nti Ye ampambaatidde nzenna, mu kukankana kwange, ggwe leka Ye ampambaatire n'emikono gyombi, nja kuwulira bulungi nnyo.

⁵⁵ Kale, leka tuweeyo nate okusaba okulala okutonotono gy'Ali nga tetunnabikkula Kigambo.

⁵⁶ Kaakano, Kitaffe Ow'omuggulu, tukitegeera nti kyenkana naffe tulinga abaana abato. Era—era onyumirwa okubeera naffe, n'okusinza naffe. Era nga bwe tukusinza, era nga otwagala,

era nga bw'otuwambaatidde mu mikono Gyo, n'otuma Omwoyo Wo Omutukuvu okukka wansi, n'atuleetera okumanya nti Oli mulamu era nti Ggwe Kitaffe, tukikwebaliza nnyo ddala. Kaakano, leka Omwoyo Omutukuvu ajje gye tuli akawungeezi kano. Yagala buli mutima, Mukama. Tuwe omukisa omuggya. Tufukeeko empandaggirize z'okusaasira, Kitaffe. Totunuulira bibi byaffe. Bingi nnyo. Mukama, bitusonyiwe busonyiyi. Bisangulewo, Kitaffe, otuwambaatire buwambaatizi mu mikono Gyo, era—era owonye endwadde zaffe, era—era alongoose emmeeme zaffe, emyoyo gyaffe ogifuule gya ddembe, Mukama, tusobole okusinza n'okutendereza Ggwe, tubeere nga abaana abato bwe badduka mu nnyumba nga beetooloola, nga tumanyi kimu nti Taata atutaddeko emmunye. Kituwe, Mukama.

⁵⁷ Kati, tewali muntu yenna asobola ku—kuvvuunula Kigambo. Ekyo tukimanyi. Yokaana yalaba Ekitabo mu mukono ogwa ddyo ogw'Oyo eyali atudde ku nnamulondo, era teawaali muntu n'omu mu ggulu, yadde mu nsi, oba wansi w'ensi eyali asaanidde okutoola Ekitabo okukibikkula, oba okubembula obubonero. Naye ne wajja Omwana gw'endiga, eyali yattibwa okuviira ddala ku kutondebwa kw'ensi. Ye yali asaanidde. Era n'Atwala Ekitabo, n'abembula obubonero, n'abikkula Ekitabo. Ai Omwana gw'endiga, jangu akawungeezi kano. Tubikkulire Ekitabo, Kitaffe, nga bwe tukulindiridde, kubanga tukisabye mu Linnya lya Yesu, Omwana gw'endiga gwa Katonda. Amiina.

⁵⁸ Nnonze, akawungeezi kano, olunyiriri olutonotono olw'Ekyawandiikibwa lwa bigambo bisatu. Naye okusooka njagala okusomayo olunyiriri nga lumu oba bbiri okuva mu njiri y'Omutukuvu Yokaana, essuula ey'e 11 okutandikira ku lunyiriri olwa 23.

Yesu n'amugamba nti Mwannyoko ajja kuzuukira.

Maliza n'amugamba nti, Mmanyi nti. . . alizuukirira ku kuzuukira kw'olunaku olw'enkomerero.

Yesu n'amugamba nti, Nze kuzuukira. . . n'obulamu: akkiriza nze, newankubadde nga afudde, aliba mulamu:

Na buli muntu omulamu akkiriza nze talifa emirembe n'emirembe. Okikkiriza ekyo?

N'amugamba nti, Weewaawo, Mukama wange: nze nzikiriza nga ggwe Kristo, Omwana wa Katonda, oyo ajja mu nsi.

⁵⁹ Kati olw'eky'okuyigako nnandyagadde okukozesa ebigambo ebisatu bino nti: *Ggwe Okikkiriza Ekyo?*

⁶⁰ Nnina embooji gye nnasomako gye buvuddeko. Ndownooza embooji eyo yali njiiye buyiye. Era abaweereza abasinga obungi, nsuubira, baali basomye ku kitabo kya Dr. Ingraham ekiyitibwa—ekiyitibwa *Omulangira w'Ennyumba ya Dawudi*. Kitabo kirungi nnyo. Ki, ndowooza, baalekera awo

okukifulumya. Nnandyagadde okukikubisa, nkisaasaanye mu bantu.

⁶¹ Kati mu kyo, nnina akatundu ke nnali nsoma akakwata ku Lazaalo ono, ne ku Yesu, ne Malyamu, ne Maliza, abaali, bannyina ba Lazaalo. Era bwe nnali nsoma ne bagamba nti eyo Yesu gye yali abeera, nzikiriza, wamu ne Maliza ne Malyamu. Bombi baali bawala Abaebbulaniya abalungi. Era Lazaalo yali asomerera oba nga atendekebwa kufuuka muwandiisi mu yekaalu, nga akolera bakabona amabaluwa g'amateeka.

⁶² Era Yesu yafuna ekiseera ekirungi eky'okutabagana, okusingira ddala bwe yali ne Lazaalo. Bwe tusoma mu kitabo we yajjira mu maka gaabwe, nga Maliza yali yeesisigiriza ku ky'okuwuliriza ebigambo Bye, naye yalina okutegeka eky'eggulo n'okutegeka olujjulo, naye ye Malyamu yatuula ku bigere Bye. Yesu n'agamba nti Malyamu alonzeewo ebyo ebisinga obulungi.

⁶³ Nate era, tutegezebwa nti Lazaalo ye yaleeta Yesu eri Yokaana, okuva mu mboozu y'ebitabo bya Dr. Ingraham, ne... ebikwata ku *Mulangira w'Ennyumba ya Dawudi*. Naye, ekyo kiyinza okuba nga tekyali kituufu, ssimanyi, naye nga kyali kya kufuna wa kusinziirira, naye era atekwa okuba nga yali abeera nabo.

⁶⁴ Kati, tubadde mu kuyiga wiiki eno ejja, wiiki eno eyise, manya, nti Yesu yagamba mu njiri y'Omutukuvu Yokaana 5:19 nti, "Nze... Omwana tayinza kukola kintu kyonna ku Bubwe, okujjako ekyo ky'Alaba Kitaawe nga akola: ekyo Omwana naye ky'akola. Kitange akola era n'Omwana akola okutuuka kaakano." Okiraba? "Ekyo ky'alaba Kitaawe nga akola."

⁶⁵ Kati kino okukireetera okuba emboozu entuufu ddala, Kitaffe, Katonda, atekwa okuba nga yayogera n'Omwana We, Yesu, n'amugamba nti, "Mukwano Gwo, Lazaalo, agenda kufa, naye kigenda kubaawo ku lw'obulungi, n'olw'ekyo Ggwe vvaawo awaka. Genda, kubanga bajja kukusaba omusabire, oba, omuwonye, ate—ate nga ssaagala okikole." Bw'oneetegereza emboozu nga bwe tugenda mu maaso, ojja kulaba nti ekomekkereza mu mazima ago gennyini ag'ekyo. Kati, Yesu, awatali kulabula kwonna oba ekintu kyonna, n'atambula n'ava awaka n'abaako awalala gy'agenda, teyakomawo ekiro ekyo. N'abaako ebibuga ebirala by'agendamu. Era mangu ddala nga Yesu yakava awaka, emitawaana ne giyingirawo.

⁶⁶ Era Yesu bw'ava awaka wo, emitawaana giba gibindabinda. Ggwe kijjukirenga nti, bw'ava awaka wo, emitawaana giba gisembedde. Bw'otandika okuba n'ebibiina ebigatta awamu abantu n'ebintu ebirala nga bikola bulungi nnyo mu kkanisa yo, nga yingini eyo eya ssirinda kkumi na mukaaga eya kampuni ya Rickenbacker, naye Yesu n'omuleka ebweru, Yesu bw'ava mu kkanisa yo, emitawaana giba gisembedde. Yee, ssebo, Yesu bw'ava mu kibiina ky'eddiini, ne bamugobera ebweru

ne bagamba nti, “Kati, tetukkiriza nti ebintu bino ddala bituufu,” ne mubaako ekirala kye muyingizaamu, emitawaana giba gisembedde. Ekyo mukijjukire.

⁶⁷ Kinzijukiza ebyogerwa ku Mukama waffe Yesu, ebiri mu Kitabo kya Lukka. Omanyi bwe yali akyali mulenzi muto ow’emyaka kkumi n’ebiri, abantu Be baamutwala, nga bwe yali empisa yaabwe buli mwaka, okugenda mu mbaga ya Pentekoote. Kati bwe baali mu kibuga Yerusalemi ku mbaga era nga banyumirwa, tukizuula mu Bayibuli, nti baatambula ennaku ssatu nga tebali naye. Era baalooza nti oba oli awo, tebaakifaako nnyo, nga balooza nti Yesu yali n’abamu ku b’ennanda zaabwe. Kati, ekyo tetusobola kukikola. Bwe batuuka okuyitaayita mu b’ennanda zaabwe ne bakizuula nti, teyaliyo.

⁶⁸ Naffe tetulina kweyibaala, nti olw’okuba tuli Bamesodisiti, Babaputisiti, Bapulesibiteriyani, Bapentekoote, era nga emisingi gyaffe ne bajjajaffe baali bakkiriza ab’ekitalo, ne tukitwala nga, ne tweyibaala, ne tugamba nti Yesu ali naffe. Ekyo tetuteekwa kukikola. Tuteekwa okuba mu kwogerezeganya naye buli lunaku na buli ddakiika. O, ekyo nkyagala nnyo.

⁶⁹ Njagala nnyo ekyo Katonda ky’ali kati. Bazadde bange kye baalina, bajjajange abansooka kye baalina, kirungi, naye (Kye baalina kirungi.) Ndooza ffe tweyongerako wagguluko okusinga we baali.

⁷⁰ Leka tulabe kiki ky’Ali leero. Ssaagala kutunula mabega kulaba biki Mw. Moody bye yakola, kubanga ffe tweyongerako wagguluko okusinga Mw. Moody we yali. Omutawaana amakanisa gaffe gwe galina guli nti: tutunula emabega ne tugamba nti, “Kale, leka tutunuleko emabega tulabe Mw. John Wesley bye yayogera, tulabe ne bano abalala bye baayogera.” Eyo ye nsonga lwaki aba ssayansi bali wala nnyo mw’ebyo bye bakola, okusinga eddiini w’eri mu byayo.

⁷¹ Emyaka bisatu egiyise wano, munnassayansi Omufalansa yakakasa nti ssinga ofubutuka ku misinde gya mayiro asatu mu ttaano buli ssaawa, amaanyi aga kimiimansi gasobola okukuta n’osituka okuva ku ttaka. Olowooza ssayaansi ekyo akyasobola okukijulizaako leero? Leero batambulira ku misinde gya mayiro lukumi mu lwenda buli ssaawa ate nga bakyongerayo. Beeyogera kunyigiriza nga bagenda mu maaso, nga batunuulidde biri mu maaso. Naye ffe twagala tutunule emabega tulabe biki Moody bye yayogera; Sankey bye yayogera; Finney bye yayogera; Knox, Calvin; n’abamu kw’abo. Bye baayogera byonna byali birungi. Ebyo byali bya mulembe gwabwe, naye ffe tweyongerako mu maaso.

⁷² Jjajjange yavuganga kigaali ekikululwa ente ennume. Nze nvuga Ford V8. Mutabani wange ajja kubuusa nnyonyi edduka ennyo. Ekyo kiraga nti, tweyongerako mu maaso. Bwebityo

eby'eddiini bwe bisaanidde okuba. Okujja kwa Mukama kusembedde. Ekkanisa zisaanidde okuba nga ziyingira mu maanyi gaazo. Ssayansi asobola okulinyya n'abaako w'akoma, naye ffe tulina ensulo ez'obusobozi obutakozesebwangako, obutakwatibwangako, obw'amaanyi, ga Katonda, agataliiko kkomo, ge tuteekwa okuyingiramu. Tubuzaayo mayiro kakadde okutuuka ku miganyulo gyaffe akawungeezi ka leero, ku miganyulo gy'Omukristayo gy'ateekwa okweyagaliramu. Mpulira nga nswala bwe ntunula ne ndaba amalwaliro, n'endwadde, n'emitawaana ebigenda mu maaso ensangi zino. Ekkanisa yaffe esaanidde okuba nga etambula ku nguudo, nga ewonya abalwadde, nga ezuukiza abafu, nga egoba emizimu, nga ekola obubonero n'eby'amagero, nga ereetera ensi yonna okutegeera nti Yesu Kristo mulamu. Ekyo kye tusaanidde okuba nga tukola.

⁷³ Kati, oyinza okugamba nti, “Mw. Moody teyakola . . .” Mw. Moody teyali mu mulembe guno. Ekyo bwe kiri. Tuli mu kaseera ka Kujja kwa Mukama waffe. Naye tuzze mu kweyibaala nga tulwoozza nti Ali n'aberjanda zaffe. Naye luli omusoomooza bwe yasoomooza Mw. Graham, twakizuula nti mu b'erjanda zaffe teyaliyo.

⁷⁴ Bamusanga wa? Baamu—Yesu baamusanga wa? Wali wennyini we baali baamuleka. Baali baamuleka wa? Ku mbaga ya Pentekoote. Yesu tumuleka wa, ekkanisa yamuleka wa? Ku mbaga ya Pentekoote. Bwe tuva ku maanyi ga Pentekoote ago ag'edda n'embaga ya Pentekoote, tuba tuvudde ku Yesu. Ekyo kituufu ddala, mukwano gwange. Tetutuuse ku miganyulo gyaffe. Yee, ssebo.

⁷⁵ Baamuleka ku mbaga ya Pentekoote, era ekyo kye kifo kyokka Abamesodisiti, Ababaputisiti, Abapulesibiteriyani, n'Abapentekoote we balimusanga, mulina kuddayo eri gye mwaamuleka. Essanyu lya Mukama liri wa? Amaanyi ga Mukama gali wa? Ekkanisa yeebuuzza leero nti, “Kiki—kiki ekyatuuka ku Katonda oli ayogerwako mu byafaayo?” Alindiridde bantu Be kumukoowoola Ajje alabisibwe. Naye . . .

⁷⁶ Tetusobola kukikola kuyita mu bibiina by'amadiini. Tetusobola kukikola kuyita mu kusoma mbeera z'abantu. Tetusobola kukikola kuyita mu masomo ga kubala, era tetusobola kukikola kuyita mu buyigirize. Tweyawulamamu, ne twegabanyamu. Tetweyawuddeemu. Mazima tuli omuntu omu mu Kristo Yesu. Ffenna tuli omu mu Kristo, era ebibiina byaffe eby'amadiini tebirisobola kukikola. Newankubadde nga birungi ekyenkana wa, tebirikikola. Obuyigirize bwaffe gwe muziziko ogukyasinze mu gyonna okuziyiza Enjiri, bwe buyivu.

⁷⁷ Kye twetaaga ssi bwe buyigirize. Twetaaga amaanyi n'okulabisibwa kw'Omwoyo Omutukuvu okukomawo mu kkanisa okusobola okwoleka amaanyi mu bikolwa. Yesu

tagambangako nti, “Mugende mu nsi yonna mu—musomese.” Tagambangako nti, “Mugende mu nsi yonna mu . . .” Yagamba nti, “Mugende mu nsi yonna mubuulire Enjiri.” Ate Enjiri kwe kwoleka okukola kw’amaanyi g’Omwoyo Omutukuvu, okuzuukira. Tukyabuzaayo mayiro kakadde kalamba okutuuka kw’ekyo kye tusaanidde okuba. Leka tweyongere mu maaso. Leka tuddeyo gye twamuleka ku mbaga ya Pentekoote.

⁷⁸ Yesu yagamba, mu Yokaana, nzikiriza, essuula ey’e 15, yagamba nti, “Nze Muzabbibu; mmwe matabi.” Kale kati, Omuzabbibu ogwo bwe guba nga gwassaako ettabi eryasooka, era okuva mu ttabi eryo Ekitabo ky’Ebikolwa by’Abatume ne kiwandiikibwa, n’ettabi ery’okubiri lijja kukola Ekitabo ekirala eky’Ebikolwa by’Abatume. N’ettabi ery’okusatu lijja kukola Ekitabo ekirala eky’Ebikolwa by’Abatume. Era buli ttabi eriva mu Muzabbibu ogwo lijja kuba lifaanana nga ettabi eryasooka bwe lyali.

⁷⁹ Kati, osobola okuwagika ekimera ku kinnaakyo, ekyo tukimanyi. Nnali ndabyeko omuti gw’ebibala nga guliko ebibala eby’enjawulo nga bya ngeri munaana. Nnali ndabye ku muti gw’omucungwa nga gubaze sseccungwa, n’ennimaawa, na buli kimu ku gwo, naye nga byawagikibwako buwagikibwa.

⁸⁰ Ogwo gwe mutawaana gwe tulina leero. Twawagikamu endowooza zaffe, ne tuwagikamu ebibiina byaffe eby’amadiini, naye omuti ogwo ssinga gumala ne gussaako ettabi eddala ery’ebibala, eriva mu gwo gwennyini, bijja kuba bifaananira ddala n’ebyasooka ebyagulimu. Aleruuya! O, weewaawo ekkansa ejja kwegatta wamu, naye twetaaga amaanyi ag’eri eyasooka. Twetaaga Omwoyo Omutukuvu, amaanyi g’okuzuukira kwa Yesu Kristo. Ky’ekyo kye yatugamba okukola.

⁸¹ “Nze Muzabbibu, mmwe matabi.” Omuzabbibu bwe gussaako endu, n’ebala emizabbibu emirungi egya bbululu, n’ettabi eriddako bwe linassaako lijja kubala emizabbibu egya bbululu. Bwe kiba nti Omuzabbibu ogwasooka gwavaayo, era ne bagwa wansi olw’amaanyi ag’Omwoyo Omutukuvu, ne bakola ebyamagero eby’ekitalo, n’obubonero, ne bateeka akabonero ku bujulizi bwabwe eri ensi . . . N’okutuusa nti bangi ku bo olw’obujulizi bwabwe, bennyini, n’omusaayi gwabwe, baateeka akabonero ku bujulizi bwabwe. Baayita mu bizibu eby’enjawulo na buli kimu okusobola okuleeta Enjiri. Baabonaabona; baakubibwa; baabonerezebwa. “Ffe kitugwanidde okusitulibwa tutwalibwe eka mu Ggulu, mu mbeera ennyangu, nga abalala baalwana okuwangula empeera, era ne bayita mu mbeera ez’okuyiwa omusaayi gwabwe?” Kiki kye tusubira okukola? “Nteekwa okulwana bwe mba wa kufuga. Nnyongera obuvumu, Mukama.” Mazima ddala. Twetaaga . . .

⁸² Kye twetaaga ssi kibiina kya ddiini kipya. Kye twetaaga ssi kizimbe kya kkanisa kipya. Kye twetaaga leero kwe kudda

obugya kwa Pentekoote okw'enkola enkadde, okutta ekibi, okweyogerera kwokka, okwo okwazaalibwa ku lunaku lwa Pentekoote era kukomyewo mu kkanisa nate, amaanyi g'Omwoyo Omutukuvu nate, okusobola okuleetera Yesu okulabisibwa.

⁸³ Katonda oyo ow'ebyafaayo bulijjo avaayo n'alabisibwa mu mbeera enzibu ennyo ddala. Ekyo tukyetaaga. Ogwo gwe mutawaana gw'ekkanisa yaffe leero. Twongera kuddira ddala mabega. Twongera kugwa mu misono gya nsi. Era mpola mpola, mwaka ku mwaka, etandika okufa mpola mpola nga bw'eggwaawo.

⁸⁴ Mu bwangu ddala kigenda kuba kiseera kya kusalira. Katonda ajja kugisalira awatali kubuusabuusa nga bwe nnyimiridde mu kituuti kino. Katonda ajja kugisalira esobole okubala ebibala. Ajja kugisalako ebikolwa by'ensi lumu ku nnaku zino. Nga kiswaza nnyo, engeri ekkkanisa gye yeyisizzaamu mu linnya ly'okweyita eddiini.

⁸⁵ Era tukiraba nti, Yesu bwe yavaawo, okufa ne kuyingira. Yesu bw'ava mu kkanisa yaffe, amaanyi g'Omwoyo Mutukuvu gava mu kkanisa yaffe, n'etandika okuseebengerera n'e—n'efa. Era bwe wayitawo akaseera eggwerawo ddala yonna ne watasigala kantu konna. Kati, Yesu bwe yavaawo, okufa ne kuyingira. O, nga kyali kiseera kya nnaku nnyo.

⁸⁶ Era wekkaanye, baanoonya wonna, ne batumya Yesu, naye teyajja. Ne baddamu ne bamutumya, era n'Atajja, naye yali amanyi ky'Agenda okukola. Amanyi akawungeezi ka leero, ky'Agenda okukola. Tewali ky'atamanyi: kyennyini ky'Ategeka okukola akimanyi. Agenda kusitula abantu, awatali kubuusabuusa nga bwe nnyimiridde mu kituuti wano. Ajja kusitula abantu ku lw'Erinnya Lye okuva mu mulembe gw'Abamawanga. Ajja kukikola.

⁸⁷ Ekiseera ky'Abayudaaya kye kiddako kati, nga eky'Abamawanga bwe kiggwako, kubanga bakimazeeko bwe batyo. Nga bagaana Kristo; bagaana obubonero obubatummiddwa; bagaana buli kimu kyonna ekiyitibwa eky'Obwakatonda, era ne bakiyita okusoma ebirowoozo by'abantu oba amaanyi ga ssetaani ne ba . . . Bavvoola Omwoyo Omutukuvu era ne beggalira wala ebweru wa Katonda. Era Katonda ajja kuddira abatono abo, oluvannyuma lw'akaseera, abasitule bafuuke Ekkkanisa ey'amaanyi, oluvannyuma atwale Omwoyo eri Abayudaaya, era atwale Ekkkanisa y'Abamawanga eka. Mu mazima ddala. Eri mu kukolebwako kati. Kale, tuli ku nkomerero, kyenkana.

⁸⁸ Yesu, yali akimanyi. Era bwe waayitawo akaseera n'agamba nti, "Mukwano gwaffe Lazaalo yeebase."

⁸⁹ Naye, abayigirizwa ne balwooza nti awummuddemu. N'agamba nti, "Kale, bw'aba yeebase, talina mutawaana."

⁹⁰ Kati awo, n' Ayogera mu... njogera yaabwe, basobole okutegeera, n' agamba nti, "Afudde, era ku lwammwe ndi musanyufu nti ssaabaddeyo." Okiraba? "Ku lwammwe, ndi musanyufu nti ssaabaddeyo." Kubanga bandimusabye oku—okuwonya—okumuwonya, naye yakimanya nti yali teyandisobodde kukikola, kubanga okwolesebwa kwali teku... oluvannyuma lw'ennaku ezo ennya yakitegeera nti ekyo kye kiseera Kitaawe kye yamugamba. Nga kyalabika bulungi; yagamba bwe yali ku ntaana nti, "Kitange, nkwebaza, kubanga wawulidde dda, naye kino nkyogera ku lwa bano abayimiridde wano." Okiraba? Yali amanyi ky'agenda okukola. Yagamba nti, "Nja kugendayo mmuzuukuse."

⁹¹ Kati, nsobola okukubamu akafaananyi amaka ago aga wansi engeri gye gaali gakubiddwamu. Nga abadde abanoonyeza eky'okulya agenze, bali mu nnaku. O, kiba kirungi bw'oba n'embeera ey'ennaku awaka oba omutima ogwennyise, amangu ago Yesu n'alabika, ssi bwe kiri? Nkubamu akafaananyi nga ndaba Maliza, omukazi alabika obulungi nga yeebikkiridde akakaaya akaddugavu mu maaso, ne Malyamu mukazi wattu, nga bombi bakwataganye, bagamba nti, "Tunaakola tutya? Taata ne Maama baafa, kati ne mwanyinaffe omwagalwa... Kati, twava mu kkanisa, ne tugobebwa okubavaamu, ne tuvaayo okugoberera Yesu ow'e Nazaaleesi. Naye naye yatulesewo n'agenda, awalala."

⁹² Mpulira omukolokosi ng'ajja n'agamba nti, "Kati, oli Omuwonya ali wa, oli Nnabbi we Galiraaya? Ali ludda wa kati? Olaba, mu kiseera we yeetaagibwa okubaako ky'Akola, ate taliwo." Kiikyo. Labayo, ekyo Katonda ayagala nnyo okukikola, okuleka abantu, ne, okubaleka ne balabisibwa kiki kye bali, weewaawo, nga abagezesa okulaba kiki ddala kye bali. Abawa omukisa. Alabika, ne yeeyoleka, ne yeeyanjula Mwene eri abantu, okusobola okulaba kiki kye banaakola, okusobola okulaba kiki kye banaakola ku nsonga eyo.

⁹³ Kati, tukiraba nti, oluvannyuma lw'e—lw'ennaku entonotono, ennaku nnya, nga musajja wattu Lazaalo amaze okufa. Ne bamuziika. Olunaku olw'okubiri, olunaku olw'okusatu, olunaku olw'okuna... Kati, buli omu yenna akimanyi nti omuntu atandika okuvunda oluvannyuma lw'ennaku ssatu: ennyindo y'esooka, okukutukako mu maaso. Awo okuvunda ne kutandika; envunyu ne zitandika okulya omubiri. Baamuteeka mu ttaka, ne bateekako ejjinja eddene ku mpuku mwe baamuteeka. Era buli luvannyuma lwa kiseera, abawala bano abato baagendanga ne bafukamira ku ntaana ne bakaaba.

⁹⁴ Oluvannyuma lw'akaseera, amawulire ne gayitinnana nti, "Yesu azze. Tumulabyeko nga atambula mu kibuga." Ha, Maliza oyo, eyali alabika, nga ateefirayo nnyo, ku kyo, n'alaga ekyo kye yali. Wuuno n'ajja. N'afulumu n'agenda, n'adduka nga

bw'anoonya. Nsobola okuwulira abamu ku baali ku kkubo nga bagamba nti, "Weewaawo, ndowooza kati omatidde, nti eddiini yo ebadde ya bulimba." Teyabafaako n'agenda bugenzi, n'ayita ku bakolokosi bonna. N'aserengeta okutuusa lwe yamulaba, oba oli awo nga atudde oluguudo we luwetera.

⁹⁵ Kati, kirabika, atekwa okuba nga... oba oli awo yali asobola okumuvunaana n'o—n'okumwogerera obubi. Naye, teyagenda nga agamba nti, "Labayo, labayo, Ggwe. Olina kuba Nnabbi, Musajja wa Katonda. Lwaki tewajja bwe twakuyita? Laba, bwe tuufuse ekisekererwa mu kibuga kati. Twava mu kkanisa yaffe tujje tukugoberere." Kyalabika nga eyalina ebbeetu okukikola. Naye omanyi, nga bwe nnabuwira ku, *Mwana gw'endiga n'Ejjiba*, bwe tuba ndiga, endiga yeerekereza buli ddembe lyayo lyonna. Kituufu ddala. Terina kintu kirala kyonna okujjako ebyoya, n'olw'ekyo erina okubyerekereza. Naawe weerekereza buli kimu kyonna ky'olina okusobola okuweereza Katonda. Ekyo kituufu ddala.

⁹⁶ Nnali nnumbagana abakazi ku ngeri gye bambalamu obugoye buno obumpi, omanyi, ne bagamba nti, "Ffe, tuli—tuli Bamerika. Tusobola okukola kyonna kye twagala okukola."

⁹⁷ Ne nṅamba nti, "Ekyo kituufu, naye bw'oba ndiga, ojja kwerekereza eddembe lyo." Okufuweeta ssigala n'okweyisa bw'otyo, ekyo kye kintu ekisingayo obubi omukazi ky'asobola okukola. Ekyo kituufu ddala.

⁹⁸ Omukyala omu yanṅamba, gye buvuddeko, bwe yali ayogera nange, n'anṅamba nti, "Naye, Ow'oluganda Branham, tebakyakolayo ngoye za bika birala."

⁹⁹ Ne nṅamba nti, "Naye bakyakola ebyalaani era batunda ne jjoola z'engoye. Tewali kya kwekwasa n'akatono." Ekyo kituufu ddala.

¹⁰⁰ Jjukira, lumu, oyinza okuba nga oli mulongoofu wano eri balo, naye olyanukulira obwenzi olw'ekyo, mazima ddala: "Buli atunuulira omukazi n'amwegomba, aba ayenze naye mu mutima gwe."

¹⁰¹ Mutawaana ki oguli ku bakazi Abapentekoote ennaku zino, kye nneebuuza. Engeri gye muvudde ku mukululo ogw'edda. Ba nnyammwe we baakulizanga enviiri, naye leero abakazi Abapentekoote beesiigasiiga langi nga ekibinja ky'abantu abali mu bikujjuko by'olunaku lwa Mardi Gras, ne basalako enviiri zaabwe, ne bambala obugoye obwo obumpi bwe butyo, nga abasigadde bonna bwe...ne bafulumu okusaawa omuddo mu luggya mu ttuntu, nga abasajja bwe bayitawo, okimanyi, mukazi ggwe, nti olyanukulira ogw'okwenda n'abasajja abo? Ekyo kye kikwambaza bw'otyo gye bali. Mwoyo mukyamu oguli ku kkanisa ne ku bantu, naye tebakimanyi. Bazibe ba maaso naye tebakimanyi. Ago ge mazima.

102 Oba oli awo waalinjamba nti ssirina bbeetu kwogera ekyo nga omubuulizi w'enjiri. Naye, nni—nnina okugoberera okukulemberwa kw'Omwoyo Omutukuvu; ekyo kye kyokka kye nsobola okwogera. Ggwe...Bwe ndikusisinkana ku lunaku lw'omusango, ndiba ssirina musaayi gwo ku ngalo zange. Weewale buli kintu kyonna ekyefaanyiriza Ssetaani. Kyewale. Kyawukaneko. Ssifaayo oba bameka ku baanabaliwo aba terevizoni...Toli, wano, kuba omu ku baanabaliwo ba terevizoni; oli muwala wa Katonda.

103 Nnabuulirako mu kkanisa y'omusumba omu ku makya ga luli, ku muddu omu, edda mu biseera we baali batundira abaddu. Era bajjanga ne babagula okusenziira ku ani amugula ssente ezisingako obungi. Era abantu baabeeranga, bakaaba, nga bwe bakuba ebiwoobe, olw'eka gye baava; kubanga tebaali ba kuddayo nate. Era baalinanga okubakuba. Era baabagulanga nga bw'ogula emmotoka, nga ekintu ekirala kyonna, mu miwendo, naye nga bantu be batunda.

104 Lumu, ne wajja omuguzi, bbulooka, ow'ekitongole ekinene...essamba ennene, manya. N'agamba nti, "Olina abaddu bameka abatundibwa?"

105 N'agamba nti, "Weewaawo, nninawo ab'okuwanyisa." Baagezangako okutwala abo abalina ku mubiri. Nga batwala ba maama abo, ba taata...Omukazi gwe yawasa bwe yabanga omunafunafu, nga batwala ku basajja bano ab'ekiwago abalamu obulungi okubazaamu oku...nga mu ndogoyi n'ensolo. Tekibangako kirungi n'akamu. Katonda yakola abantu. Abantu ne bafuula bannaabwe abaddu. Okusooka kwa byonna ekyo kikyamu, tekibangako kituufu. Katonda takigendererangako muntu yenna kubeera muddu. Nedda, ssebo. Era te...Weetegereze ekyabaawo.

106 Kati mw'ebyo byonna, omusajja ono n'agamba nti, "Kale, nnandyagadde okubaako be ngula..." N'abaako omuvubuka omu gwe yalaba. Ye baali tebeetaaga kumukuba. Yali teyemotyamoty, nga atunuza bumalirivu, nga omusajja yennyini ow'ekitiibwa, nga bw'atambulatatambula. Kati bbulooka oyo n'agamba nti, "Oyo gwe njagala okugula."

107 N'agamba nti, "Naye oyo tatundibwa."

108 N'agamba nti, "Ate, lwaki?" N'agamba nti, "Ye mukama waabwe?"

109 N'agamba nti, "Nedda, muddu."

110 "Kale," n'agamba nti, "lwaki? Omuliisa mu ngeri ya njawulo ku basigadde?"

111 N'agamba nti, "Nedda. Naye aliira eri waggulu mu kigango wamu n'abalala bonna. Naye muddu."

112 N'agamba nti, "Kati kiki ekimufuula ow'enjawulo ennyo ku balala?"

113 Nannyini baddu n'agamba nti, "Nnange ekyo nnakyewuunya okumala ebbanga ddene, naye lumu ne nkizuula. Eka gy'ava, kitaawe ye kabaka akulira ekika. Kati newankubadde nga mugwira era tali waabwe, asigala akimanyi nti mutabani wa kabaka era bw'atyo bwe yeeyisa." Bwe kiba nga . . . Nnansangwa w'omu Afirika bw'aba yasobola okukitegeera nti kitaawe kabaka, ate wano n'aba nga mugwira mu nsi etali yaabwe naye n'asigala nga akimanyi nti ku ludda eri emitala w'ennyanya mutabani wa kabaka, kati awo abakazi n'abasajja basaani kweyisa batya bwe muba nga muli baana ba Katonda ab'obulenzi n'ab'obuwala? Mweyise nga ekyo kye muli. Mazima ddala. Mweyise bulungi; mwerongoose mweyise nga abaana ba Katonda ab'obulenzi n'ab'obuwala. Ky'ova olaba nti, embeera efaanana nga bw'eri.

114 Tuutuno. O, Maliza mukazi wattu, yafuluma adduka bunnambiro. Alinga eyalina e—engeri y'okumuvunaana. "Lwaki tewajja kulaba mwannyinaze? Laba bye tukukoledde byonna, kyokka n'otuyiwa." Kati, ssinga yayogera bw'atyo, embozi teyandikomekkereza nga bwe yakomekkereza. Nedda, ssebo. Ekikulu ye ngeri gy'osembezaamu ekirabo kya Katonda eky'Obwakatonda. Katonda bw'atuma ekirabo, oteekwa okukisembeza mu ngeri entuufu. Bw'oba osubira okukifunamu ekintu kyonna, oteekwa okukisembeza mu ngeri entuufu. Era ekyo Maliza yali akimanyi. Oba oli awo yali yasomako ku mukazi Omusunammu n'omwana we. Era na . . . Oba nga omukazi oli Omusunammu yakitegeera nti Katonda yali mu Eriya, olwo ate mu Yesu yalimu kyenkana wa? Mazima.

115 N'olw'ekyo, yakisembeza mu ngeri entuufu. Yadduka n'agenda agwa wansi ku bigere Bye. Ekyo nkyagala! Yagwa wansi ku bigere Bye n'agamba nti, "Mukama . . ." Ekyo kye kitiibwa Kye ekituufu. Ekyo kye Yali. Yali Mukama we. "Mukama wange, ssinga wali wano, mwannyinaze teyandifudde."

116 O, bannange! O, nkubamu akafaananyi nga ndaba omutima Gwe ogw'ekisa nga atunuulidde omukazi ono omulungi, nga amaziga gakulukuta ku matama g'omukazi. N'agamba nti, "Mukama wange, ssinga wali wano, mwannyinaze teyandifudde." Wekkaanye omukazi kye yayogera. "Naye ne kaakano, Mukama, newankubadde nga mufu, newankubadde nga envyunyu z'omubiri zeenyogootolera mu mubiri gwe, naye ne kaakano, Mukama wange, kyonna ky'osaba Katonda, Katonda ajja kukikuwa."

117 O, ekyo kye kyama. Oyinza okugamba nti, "Ntalaaze buli ddwaliro. Omusawo agamba n̄n̄enda kufa, naye ne kaakano, Mukama wange . . . Nzenna amakajja gan̄n̄ongobazza; ssisobola kutambula, naye ne kaakano, Mukama . . ."

118 Omwana oyo omuwere yabadde n'amazzi mu mutwe nga

gwenkana *wano* obunene ekiro kya jjo. Nga tewali ky'oyinza kukola. Gandisaasaanye ne gabuna wonna ne gaabya omutwe gwe n'afa, "Naye ne mu kaseera kano, Mukama wange..." Akyali Katonda y'omu. Akyali Mukamu y'omu. "Ne kaakano, Mukama..." Era atudde ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda Omuyinza w'ebintu byonna, nga yeegayirira ku lw'ebintu bye twatula nti yabitukolera.

¹¹⁹ Kati, mpulirira ddala nga ndi mu mwoyo. Mazima ddala bwentyo bwe mpulira. Mu buli ngeri yonna ogenda kumpita omutukuvu eyeevulunga, kale kyandibadde kirungi n'otandikirawo, ekyo naky'o ne kiggwa.

¹²⁰ N'olw'ekyo, yee, ssebo, "Ne kaakano, Mukama wange, kyonna ky'osaba Katonda, Katonda ajja kukikola."

¹²¹ "Musabe Kitange ekintu kyonna mu Linnya Lyange, Nja kukikola," Yesu bwe yagamba.

¹²² "Ne kaakano, Mukama wange, kyonna ky'osaba, Katonda ajja kukikuwa." O, ekyo kiteekwa okuba nga kyasiikuula omutima Gwe ogw'ekisa.

¹²³ Awo n'Agamba nti, "Mwannyoko anaaba mulamu nate."

¹²⁴ N'agamba nti, "Weewaawo, Mukama wange. Aliba mulamu. Yali muvubuka mulungi. Alivaayo mu kuzuukira okwa bonna ku lunaku olw'enkomerero." Abayudaaya abo baali bakkiririza mu kuzuukira okwa bonna. "Alivaayo mu kuzuukira okw'ennaku ez'oluvannyuma."

¹²⁵ Mwekkaanye. Yeekunjaanya wamu. N'agamba nti, "Nze Kuzuukira n'Obulamu." O, bannange. Waali tewabangawo muntu yenna yali asobola kwogera bw'atyo. Tewalibaawo mulala yenna oluvannyuma lw'ekyo, asobola kukyogera. Ye yekka asobola okukyogera. "Nze Kuzuukira n'Obulamu," bw'ayogera Mukama. "Anzikiriza Nze, ne bw'alifa, aliba mulamu. Na buli muntu omulamu akkiriza Nze talifa emirembe n'emirembe. Okikkiriza ekyo?"

¹²⁶ N'agamba nti, "Weewaawo, Mukama wange." O, yakitegeera nti waliwo ekinaatera okubaawo. Kiteekwa okubaawo.

¹²⁷ Okukkiriza okuva mu mutima omwesimbu bwe kusisinkana Katonda, amannyo ga namuziga ago ne gakatagana bwe *gaty'o*. Waliwo ekiteekwa okubaawo. Nsoomooza ekibiina kino akawungeezi kano, mu Linnya lya Yesu Kristo, muleke okukkiriza kwammwe kukwatagane ne Katonda bwe kutyo, mu ddakiika ntono nnyo tujja kuba ne Pentekoote endala. Wajja kubalukawo okudda obuggya okw'amaanyi mu kabuga kano, okutuusa nti tewajja kubaawo baserikale bamala mu ggwanga lyonna okubakkakkanya. Ky'ekyo. Wajja kubaawo okudda obuggya okwa namaddala. "Ne kaakano, Mukama wange..."

128 “Weewaawo, Mukama, *kino* twakimala dda; tukoze *kino*, ne *kiri*.” Ssifaayo biki bye mukoze, “Ne kaakano, Mukama wange. . .” Alindiridde ggwe kumukoowoola. Ye. . . “Okikkiriza ekyo?” Mazima ddala. Yee, ssebo. “Ne kaakano, kyonna ky’Onaamusaba. . .”

129 “Mwamuteeka wa?” Kati awo, n’Aserengeta ku ntaana. Yali muntu ddala okusobola okukaaba; naye ate yali Katonda ddala okuzuukiza omufu.

130 Wano gye buvuddeko, omukazi ow’ekibiina ky’abantu ekimu. . . Ssitera nnyo kugufuula muze okwogera ennyo ku bibiina by’amadiini. Naye omukazi ono. . . Tebakkiriza nti Yesu yali Katonda. Baagamba yali nnabbi kyokka. Kati, yali. . . Bw’aba nga yali nnabbi kyokka, ffenna tuli mu kibi. Alina kuba nga yali Katonda, nga tali kintu kirala kyonna kitali Katonda, bwe kitaba ekyo yali mulimba akyasinzeeyo ensi gwe yali erabye. Ekyo bwe kiri. Yali asinga ku kuba omuntu obuntu. Omukazi n’agamba nti, “Teyali Katonda.”

131 Waliwo bingi nnyo bwe bityo mu njiri eno eyogera obwogezi ku mbeera y’abantu leero; nga bagezaako okufuula Yesu Kristo nnabbi obunnabbi. Naye, yali Katonda wa bannabbi. Mazima ddala ekyo kye yali.

132 Omukazi n’agamba nti, “Ŋenda kukikukakasa nga nkozesa Bayibuli yo yennyini nti, ‘Yali muntu buntu.’”

133 Ne ŋamba nti, “Kikole.”

134 N’agamba nti, “Bwe yagenda ku ntaana ya Lazaalo, Bayibuli egamba nti, ‘Yakaaba.’ Yalina kuba muntu bwe kitaba ekyo teyandikaabye.”

135 Ne ŋamba nti, “Nnyabo, ekyo kye Kyawandiikibwa kyo?” Ssigezaako kuvvoola wano bwe njogera kino, naye ka mbabuulire kye nnamugamba.

136 N’agamba nti, “Ky’ekyo.”

137 Ne ŋamba nti, “Okumanya ekigambo ky’oyogedde kiwewufu nnyo ne ssupu w’ekisiikirize ky’omutulumbi gw’enkoko eyafudde enjala akisinga obuzito.” Ne ŋamba nti, “Kati nno, to—tolina yadde ekintu n’ekimu ky’osobola kwesigamako.”

138 Kko ye nti, “Naye, yakaaba. Ekyo kyali kiraga nti yali muntu.”

139 Ne ŋamba nti, “Yali muntu afa ate era yali muntu atafa. Yali Katonda mu mubiri.”

140 Kko ye nti, “Ha, obwo busirusiru!”

141 Ne ŋamba nti, “Yagenda ku ntaana nga akaaba. Ekyo kituufu ddala, naye bwe yeegolola. . .” Bayibuli egamba nti, “Teyaliiko kyegombesa; teyalina yadde akalungi akatumwegombesa.” Naye bwe yagolola ebibegabega Bye ebyo

ebitono n'agamba nti, "Lazaalo, vvaayo," omusajja eyali amaze ennaku nnya mu ntaana nga yenna avunze, n'avaayo. Oyo yali asingawo ku ky'okuba omuntu. Ndagaayo omuntu asobola okukikola. Kyali kiki? Okuvunda kwategeera Mukama waakwo. Obulamu bwategeera Omutonzi waabwo. Waaliwo ekyali kirina okubaawo. Yayogera era omusajja eyali afudde nga amaze mu ntaana ennaku nnya, n'azuukira, n'ayimirira ku magulu ge, n'aba mulamu. Aleruuya! Oyo yali Katonda mu Mwana We. Yee, ssebo. Oyo yali Katonda nga yeeyoleka okuyita mu Ye, Omwana. Oyo yali Katonda ye yali ayogera, so ssi muntu.

¹⁴² Yali muntu bwe yeetoolooza amaaso ku muti guli kw'olwo nga anoonya eky'okulya. Oyo yali muntu. Naye bwe yakwata obugaati obutaano n'ebyennyanya bibiri n'aliisa abantu enkumi ttaano, oyo yali asingawo ku ky'okuba omuntu obuntu. Oyo yali Katonda nga y'abaliisa. Yali asingawo ku ky'okubeera obubeezi nnabbi, nga asingawo ku ky'okubeera obubeezi omuntu, yali Katonda-Omuntu. Mazima ddala.

¹⁴³ Yagalamira emabega mu lyato liri mu kiro ekyo, ennyanja bwe yali ewuluguma nga bwe liyuuga nga akasaanikira k'eccupa nga lidda eno n'eri mu buziba bw'ennyanja eyo ennene, emizimu gy'ennyanja omutwalo mulamba bwe gyerayirira okumubbiza ekiro ekyo. Yali muntu, bwe yanafuwa n'akoowa oluvannyuma lw'okusabira abalwadde, nga agalamidde emabega mu lyato; n'okutuusa nti n'omuyaga tegwamuzuukusa. Yali muntu bwe yali yeebase, naye bwe yagolokoka, n'ateeka ekigere Kye ku mugo gw'eryato, n'atunula waggulu, n'agamba nti, "Kkakkana, teeka," embuyaga n'amayengo ne bimugondera, oyo yali asingawo ku kuba omuntu obuntu. Oyo yali Katonda mu muntu, nga yeeyoleka. Ekyo bwe kiri.

¹⁴⁴ Yali muntu ku musaalaba bwe yalaajana okusaasirwa. Bwe yakaaba n'agamba nti, "Ennyonta ennuma," oyo yali muntu. Bwe yafa, yali muntu, naye ku makya ga Paasika bwe yamenya envumbo z'okufa, amagombe, n'entaana, n'azuukira, yali asingawo ku ky'okuba omuntu obuntu: yali Katonda nga alabisiddwa. Tekyewuunyisa omutontomi yagamba nti:

Nga mulamu, Yanjagala; bwe yafa,
n'Andokola;
Bwe yaziikibwa, n'Atwalira ddala wala ebibi
byange;
Bwe yazuukira, n'Anzigyirako ddala omusango
emirembe gyonna:
Lumu alijja—O, nga luliba lunaku lwa
kitiibwa!

¹⁴⁵ Yagamba nti, "Kubanga Nze ndi mulamu, nammwe muli balamu. Okikkiriza ekyo?" Abeera bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Okikkiriza ekyo? Nzikiriza nti Omwoyo Omutukuvu ali wano kati. Okikkiriza ekyo? Nzikiriza nti ajja kutujjuza

n'Okubeerawo Kwe. Okikkiriza ekyo? Nzikiriza nti Omwoyo Omutukuvu ayagala okufukumula wansi Okubeerawo Kwe, awonye abalwadde bonna, aleetere abantu bonna abatannafuna Mwoyo Mutukuvu okujjuzibwa. Okikkiriza ekyo? Okkiriza n'omutima gwo gwonna? Leka tuyimirire ku magulu gaffe tumuwe ettendo. Nzikiriza nti agenda kutukkako mu kaseera kano kennyini.

¹⁴⁶ Ai Mukama Katonda, Omutonzi w'eggulu n'ensi, Ensibuko y'Obulamu Obutaggwaawo, Omugabi wa buli kirabo ekirungi, ffena "Tukikkiriza ekyo," Mukama. Tukkiriza nti oyo ye Ggwe mu lukuŋŋaana luno. Tukkiriza nti ye Ggwe awa omukisa emmeeme zaffe kaakati. Tukkiriza nti ye Ggwe atufukako Omwoyo Wo kaakati. Tukkiriza nti obeera bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Tukkiriza nti Oli mulamu emirembe gyonna era n'amannya gaffe gaawandiikibwa mu Kitabo ky'Obulamu eky'Omwana gw'endiga. Eggulu n'ensi biriggwaawo, naye ffe tulibeerawo emirembe n'emirembe, kubanga Ggwe obeerawo emirembe n'emirembe. Mukama, wakitusuubiza. Tukikkiriza n'omutima gwaffe gwonna. Na buli kimu kyonna ekiri mu ffe, tukikkiriza, Mukama. Mmwagala, mmwagala.

¹⁴⁷ Mumukkiriza? Nzikiriza nti oyo Mwoyo Mutukuvu. Waliwo Ekintu ekitukkako kaakati. Okikkiriza ekyo? Nzikiriza nti ayagala awonye buli muntu mu kaseera kano. Okikkiriza ekyo? Yimusa emikono gyo gy'Ali. Yimirira ku magulu go. Okikkiriza ekyo? Omwoyo Omutukuvu ali wano. Kino kye Kiri! Petero yagamba nti, "Kino kye Kiri." Kye Kino, Omwoyo Omutukuvu.

¹⁴⁸ Ai Mukama, Omutonzi w'eggulu n'ensi, sindika amaanyi Go, n'emikisa Gyo, n'obulungi Bwo ku bantu bano, era owe omukisa emitima gyabwe, bakirabe nti Omwana w'omuntu mulamu emirembe gyonna. Kikole, Ai Mukama. Tubawaayo gy'Oli, mu Linnya lya Yesu Kristo, Omwana wa Katonda.

¹⁴⁹ Waliwo omuntu yenna atalina Mwoyo Mutukuvu, yimusa emikono gyo otendereze Katonda. Nzikiriza nti Ajja kukukkako. Wabeewo ababateekako emikono. Kino kye kiseera. Lwaki tweyongera okulinda? Kino kye kiseera. Kino kye kiseera ky'Abapentekoote, okukomawo eri Katonda. Mutereeze ne Katonda, mmwe Abapentekoote! Leka emitima gyammwe gisiikulwe n'amaanyi ga Katonda omulamu. Leka Omwoyo We ajje atambulire mu mmwe, abune emmeeme zammwe. Ali wano buli kiro, ali wano okuwonya abalwadde, okuzibula amaaso ga ba muzibe, okuyita mu maanyi ag'ekitalo era agayinza byonna yeeyoleka okuba nti y'Omu emirembe gyonna. Aleruuya!

¹⁵⁰ Mutendereze. Yimusa emikono gyo. Weerabire wooli; tegeera ekintu kimu kyokka nti omuliraanye, n'obulungi Bwe, n'ekitiibwa Kye, n'amaanyi Ge, n'okusaasira Kwe bibeerera emirembe gyonna. Abeera bumu emirembe gyonna. Erinnya

Iya Mukama lyebazibwe. Aleruuya! O, tendereza Erinnya Lye Ettukuvu.

¹⁵¹ O, nga wa kitalo, nga wa maanyi. Bameka nga oyagala kuddamu kuwaayo obulamu bwo eri Katonda mu kaseera kano, nate? Yimusa omukono gwo. Bameka abaagala okuwaayo obulamu bwabwe eri Katonda? Ky'ekyo. Yimusa emikono gyo. Muleke tulabe Pentekoote. Muleke tulabe abantu ba Katonda. Ka nnyimuse omukono gwange. "Mukama, nzuuno. Ntuma." Tuma Malayika alina amanda agookya agava ku kyoto otume n'amaanyi Go gye tuli, Mukama. Katonda, kituwe mu bujuvu bw'Omwoyo Wo, Ai Kitaffe. Wulira okusaba kwaffe, Ai Mukama. Wulira okusaba kwaffe, nga abaana abakkiriza abayimiridde. Erinnya Lye litenderezebwe.

¹⁵² O, kiringa amayengo g'ekitiibwa agatuyiikira, o, empandaggirize z'okusaasira. O, Katonda atenderezebwe. Emmeeme zaffe leka zirindirire. Mukikkiriza ekyo? Mukikkiriza ekyo? Ono Mwoyo Mutukuvu y'ajja. Gano ge maanyi ago agatalabika agatuyingiza mu Bwakabaka bwa Katonda, emikisa gya Pentekoote. Mukomeewo eka. Mulindiriddwa okudda eka. Muli bantu ba muwendo. Katonda ayagala mwetukuze. Abakazi, mwerongoose. Abasajja, mwerongoose. Leka tukyuke okuddayo eri Katonda era tuweereze Katonda n'omutima omulongoofu ddala.

¹⁵³ Katonda atenderezebwe, Omwoyo Omutukuvu ali mu lukunnaana. Kola kyonna ky'owulira nga olunnamizibwa okukola. Leka Omwoyo Omutukuvu akukkeko. Tewali kirala kye nsobola kwogera. Simanyi kya kwogera kati. Omwoyo Omutukuvu ali mu kizimbe wonna. Erinnya Iya Mukama lyebazibwe. Mukama atenderezebwe. O, aleruuya! Aleruuya! Mukama atenderezebwe. Tendereza Mukama. Nga kirungi nnyo, nga kya kitiibwa...Nga kulungi, nga kulungi nnyo okutendereza kw'abatukuvu ba Katonda nga kulabikira ku bwenyi bwammwe, olw'Okubeerawo kw'Omwoyo Omutukuvu atambulira wano nga atulaga ekitiibwa Kye mu kibiina kino eky'amaanyi ekiri mu mwoyo gumu, nga batendereza Erinnya Lye.

¹⁵⁴ Kyuka obeeko ne gw'okwata mu ngalo, omugambe nti, "Mukama atenderezebwe, ow'oluganda. Mukama atenderezebwe, mwannyinaze." Leka tunnyikire munda ddala tulekere Katonda atuzze buggya. Mukama atenderezebwe. Kituufu. Mmwe mwenna Abamesodisiti, n'Ababaputisiti n'Abapulesibeteriyani, Abapentekoote, n'Abaseveniside Abadiventi, kyonna kye muli, mukwatagane mu ngalo mu Kubeerawo kwa Mukama Katonda. Ky'ekyo. O, aleruuya! Aleruuya! Aleruuya! O, Ndi musanyufu nnyo okuba omu ku bo. Ndi musanyufu nnyo. O, okumenyawo ebisenge, okukasuka ebweru obukyafu. Ekitiibwa! Eddembe mu Mukama, nga

tutendereza Erinnya Lye ettukuvu...Erinnya lya Mukama lyebazibwe. O, aleeruya! Katonda atenderezebwe.

155 O, ekyo nnyumirwa nnyo okukiraba: nga abantu bakwatagana mu ngalo nga obwenyi bwabwe busanyufu. Mu maanyi ga Katonda nga bagamba nti, “Ky’ekyo. Ky’ekyo, tuli baana ba Katonda. Ffenna tuli kkanisa emu ennene, omuntu omu omunene mu Kristo Yesu, tuli Mugole We, Oyo ow’ekitiibwa.” Okujja kwa Mukama kusembedde. Abantu Be bakunjaana wamu mu kwagalana...awamu n’okwagala n’amaanyi g’Okubeerawo Kwe. O, kino kiri nga Ggulu. O, kino kirungi. Amiina. O, nga kya kitiibwa, nga kirungi nnyo: okusinza Mukama mu Mwoyo ne mu maanyi. Akaseera nga kano. (Ekyo kyali kya kukoma; tutandike.)

156 Tewali...nagambye ab’oluganda nti, “Ab’oluganda, tewali kulekera awo.” Wano tewali kifo kya...Ffe tetuliiko ntandikwa, n’olw’ekyo tetuliiko lwe tukoma. Kirungi nnyo—nnyo...Bameka nga owulira bulungi nnyo? Okwo Kubeerawo kwa Mukama, o, bannange, nga kulungi nnyo, Okubeerawo kwa Mukama okuli wano.

157 Kati, Okubeerawo kwa Mukama kuli wano okuwonya abalwadde, okuwonya abantu. Mumukkirize bukkiriza. Mumukkiriza? Ssinga tumukkiriza, ebintu byonna biyinzika. Mukikkiriza ekyo? Mukkiriza nti okwo kwe Kubeerawo kwa Mukama?


158 Kati, nga bwe...Mumpeeyo akaseera katono, akaseera katono kati, muwulirize. Leka mbakakase nti Omwoyo Omutukuvu y’ali wano. Leka mbalage nti Omwoyo Omutukuvu, Oyo yennyini ayogera, Oyo akikola, akimanyi ekyo. Bameka abali wano kati, nga bazze balwadde? Leka tulabe emikono gyammwe. Abo abazze nga balwadde...Waliwo abantu...

159 Waliwo omusajja ayimiridde wali. Okkiriza, ssebo? Tewali kaadi za baakusabirwa ezaagabiddwa, naye okkiriza nti Katonda asobola okukuwonya? Okkiriza nti asobola okumbuulira obuzibu bwo? Buli ku ludda lwo olumu. Ogenda kulongoosebwa. Ekyo bwe kiri. Erinnya lyo ye ggwe Mw. Cartwright. Ekyo bwe kiri. Kituufu ekyo? Wuuba omukono gwo. Kale. Genda eka owonyezebwe, tojja kwetaaga kulongoosebwa. Okikkiriza?

160 Omusajja oyo asitudde omwana oyo mu ngalo ze, onzikiriza okubeera omuweereza We? Okkiriza nti ono Mwoyo Mutukuvu? Ssikumanyi, ssi bwe kiri? Ssikulabangako mu bulamu bwange; tetumanyiganye. Okkiriza nti Omwoyo Omutukuvu asobola okumbuulira obuzibu bw’omwana oyo? Alina obuwere. Ekyo bwe kiri. Ssi bwe kiri? Mazima ddala. Toli wa wano. Nedda. Olina okulumizibwa mu lubuto, lwe lukuluma, naawe. Ekyo bwe kiri, ssi kye kyo? Ova mu Kibuga Kansas. Kale. Ddayo,

Yesu Kristo akuwonyezza. Aleruuya! Mukkirize. Mukikkiriza n'omutima gwammwe gwonna?

¹⁶¹ Wuuno Malayika wa Mukama, ali waggulu w'omukazi ono omuto—omutonotono, alinga omukulukulu, atudde wano, alina aniya. Okkiriza nti Katonda ajja kukuwonya aniya oyo, mwannyinaze? Ggwe, alina akamuli akamyufu ku nkofiira yo, yimusa omukono gwo. Kale. Genda eka owonyezebwe. Amiina. O, ono Katonda; ono Kristo Omwana wa Katonda. Yazuukira okuva mu bafu. Ali wano.

¹⁶² Kati, buli omu teeka emikono gyo ku munno osabe essaala ennungi ddala, buli omu ku mmwe, nga bwe nsaba omuntu omu ajje wano. Jangu wano, ow'oluganda. Nga bwe mutadde emikono buli omu ku munne okulaga nti Katonda n'okuwonya awonya, nange wano nninawo ow'oluganda agenda okusaba. (Mugende mu maaso. Kale.) Ekitiibwa kidde eri Mukama Katonda. 

60-0402 Ggwe Okikkiriza Ekyo?
mu Municipal Auditorium
e Tulsa, Oklahoma Amerika

LUGANDA

©2020 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. Box 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikikirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS

P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.

www.branham.org